**Eby'ensimbi Z'ekkanisa**

Ssabbiiti 18 Ekkanisa efulumya sente ku: 1. Abasumba 2. Abaminsani 3. Banamwandu bokka bwekiba kyetaagisa. (katugambe banamwandu baabo abali mubuwereza) Abantu mu kkanisa yo bwebaba nga bafuulidwa abayigirizwa bajjakuwagira obuwereza bwayo. Ekkanisa etasasula bisale byayo eba kyakuswala eri erinya lya yesu era erina okwetondera abo abagibanja, mbagirawo etereeze ekizibu, era nokulowooza enkyukakyuka mu bu bukulembeze. (1Timoseewo 3 Abakulembeze bateekwa okuba n'ekifaananyi ekirungi mu kitundu) era "basooke ku kakasibwa". Yiga 2 Ssekabaka 4-7, Egero 3:9-10, 27-29, 1Abakkolinso 9:1-27, 1Timoseewo 5 ("Ekitiibwa" = Okuwagira) Abasumba bawagirwa mu byensimbi "okuliisa endiga" (Yokaana 21), Ekyo, kwe kukakasa nti buli mukuristaayo atuuka mukukula, Abakkolosaayi 1:28 (Wejukanye olunyiriri luno)

**Owoluganda Ayonoona**

Ssabbiiti 19 Ekibi buvunanyizibwa ddala obwa ba kulembeze b'ekkanisa. Bwebatakola ku kibi, olwo no abakulembeze benyini boonona. WANDIIKA EMITENDERA GYENYINI egyo abakulembeze gyebanaayitamu. Weetegereze, mu 1 Abakkolinso 5, wa w'onozikiririza ekkanisayo senga onookibuusa amaaso kino. Matayo 18, 1 Abakkolinso 4:14-5:13, 1Timoseewo 5:19-25, Firemooni (okukomyaawo ow'oluganda)

**Emitwe Gye Ndagaano Empa Egyokuyiga**

Abaefeso 4:11-17 (SSOMA e ssuula)

<u>Abatume</u> - Abasajja Yesu yenyini be yalagira nabawa ekitiibwa kino n'amaanyi agebyamagero mu Matayo 10:1-10. Ebikolwa bye byamagero bino bwebwaali "obubonero obw'abatume" 2Abakkolinso 12:12 bwe kyogera.

<u>Bannabbi</u> - Banabbi b'endagaano enkadde oba olyawo naabamu mu bikolwa bya batume. Wetegereze nti mu Abaefeso2:20 mu bulambulukufu kisoma "Abatume era nga Bannabbi." Yesu n'abatume ate era nga ba nnabbi, gw'emusingi ogwo kwe mwazimbibwa." Ababuulizi benjiri n'abasumba –Abasomesa babuulira KUMUSINGI GUNO GWOKKA!

<u>Ababuulizi</u> – Abantu abalangirira amawulire amalungi aga Yesu Kurisito.

<u>Abasumba ate nga basomesa (eno ye nambulula</u> y'ensengeka y'ekigereeki)-OMUSUMBA kye kigambo eky'omulunzi aliisa endiga. Baziriisa nga bazisomesa. Ebigambo ebitalibimu bijja kunyonyola yafeesi:

a. 1 Timoseewo 3:1-2 "Yaafeesi y'omulabirizi" oba emanyidwa nga "episikopi" kitegeeza omulabirizi oba nampala mu kifo eky'omulimu.

b. Tito 1:5-9 Abalabirizi BE bakadde ("pulesibuterosi" kitegeeza abakadde) Abo abatali bapya!

c. Ebikolwa byabatume 20:17 Abakadde be balabirizi (mu lunyiri 20) era basumba (oba balunzi).

Teri bakulembeze balala mu kkanisa eyawansi. Mubwangu bebano:

1. ABAKADDE (Abakulu oba pulesibitasi)

2. ABALABIRIZI (Abo abateeka eriiso ku bintu oba "abepisikopi" mu lugereki)

3.ABASUMBA oba ABALUNZI (Abo abaliisa era abakuuma endiga). Kitegeere nti baba kibinja kyabantu era talibeera "muntu omu" yekka. Omuntu mu bbo afuna okubangulwa okwenjawolo oyo kyangu nyo abeera "musumba ate era nga musomesa". Aweereza n'abakulembeze abalala.

**©2016 Dennis Dickinson**
**whitestonemissions.com**

# ENTEEKATEEKA YOKUYIGA N'OKUKUGUKA BAIBULI

## EKITUNDU III

## OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE B'EKANISA

2 Timoseewo 3:16-17 Kigamba nti ebyawandiikibwa ebyassibwako omukka gwa katonda bijja kwambaza omuntu olwa bulimulimu omulungi gwe banaakoleranga Mukama.Mu Yokaana 8 Yesu yagamba ajja ku sumulula omuntu okuva mu buddu bwekibi okuyita mu kigambo kye (amasomo) Essomo lino lijja kugoberera emitendera gya baibuli mukubangula olw'obukulembeze. Jukira nti ne katonda embalayo ye byonna! Embala embi eteri yabwakatonda nambulukufu mu Yakobo 3-4. Omuntu omugezi amanyirwa ku mbalaye enungi.

**Enyanjula**

1. Abakulembeze b'ekkanisa bulijjo balondebwa olwembala yaabwe enuungi nobwesigwa eri mukama waabwe. 1 Timoseewo 3, Tito 1. Bulijjo balondebwa abakulembeze abalala (Sibo benyini)
2. Abakulembeze b'ekkanisa bateekwa kukulembera! Obutaba nakyakkola kitegeeza omuntu talina bukulembeze era alina okulekulira bulikifo kyalina aleke abalala bakulembere. Era, bwe baali bayiga, abayigirizwa, baagenda NE yesu, baasookanga kuwuliriza kyokka, nebaweereza, n'okufuluma, n'ekyasembangayo kukulembera balala.

3. Abakulembeze be kkanisa beetaga okumanya ebisokerwako ebya baibuli okusooka. Yesu teyasomesa bayigirizwa ebisokerwako ebya baibuli! Ekyo baali bakirina NGATEBANAYITIBWA kubeera bayigirizwa. Essomo lino likitwala nti obimanyi nga bbo bwe baali, ku bya baibuli. Omukulembeze w'ekkanisa yandibadde yasoma baibuli yonna naagiyitamu nga entandikwa. Oluvanyuma lwakino, okukuguka kwebitabo bino wamanga Kijakubangula omukulembeze w'ekkanisa nga asoma buli kitundu okuyita mu BULI LUNAKU waakiri okumala sabiiti bbiri. Kino kikolebwa NGA BWEBAWEEREZA!

Endagiriro y'Esomo lino egyakutwala ebitabo ebyo ebyawandiikibwa ebinyonyola okulonda abakulembeze b'ekkanisa. Tewali noomu eyeelonda oba eyeyawula yekka, era n'abatume bbo benyini nga tebalekedwa bweru, bwekyogera mu Abaggalatiya 1- Jukira Yuda!)

**ABAKULEMBEZE BABANGULWA N'AKUKKOLA**

Abakulembeze ababangulwa balina okuba naabakulembeze abali mubifo ebyobuwereze. Ngababatunuulira nokubayamba okusooka nga abayigirizwa bwebaakola. Balina okubera mulukiiko lw'akakiiko k'ekkanisa era nga bateesa: newankubadenga tebalina buyinza. Okumala emyezi ebiri ammanya gaabwe galina okuba nga gatimbiddwa, oba nga gamanyisidwa eri ekkanisa, nti balowoozebwako okuba abakulembeze b'ekkanisa. Kino kiganya abantu akwanja kyonna kyebalina ekikwatagana n'embala yaabwe. Kunkomerero y'ekiseera kya mwezi ebiri, mubwangu bakakasibwa. Tewali n'omu yafuuka mukulembeze wa kkanisa mu baibuli nga bamukubidde kalulu. "Basooke bakakasibwe" 1Timoseewo 3.

## Ekitundu 3 Essomo ly'okubangula eby'obukulembeze

Soma buli kitundu buli lunaku waakiri okumala ssabbiiti emu. Essira liteeke ku bakulembeze, okulonda abakulembeze, emirimu gy'ekkanisa era bye baakola ne byebataakola.

**#1 Enjiri ya Yokaana.** Enjiri ya bakurisitaayo. Eddamu Ani, Kiki, Ddi, Wa, Lwaki era butya eri byonna, era birina okukugukibwa buli mukkiriza. Enyonyola kiki ebyawandiikibwa kyebikola, Kiki Yesu kyakola, Kiki omwoyo kyakola, era Kiki ab'akkiriza kyebanaabanga bakola. Enambika ku ani akakatibwaako ki!

| | |
|---|---|
| Wiiki 1 | Yokana 1-6 |
| Wiiki 2 | Yokana 7-12 |
| Wiiki 3 | Yokana 13-21 |

**Ebikolwa**; Entandika y'obukuristaayo n'enkyukakyuka okuva mu buyudaaya bw'eYerusalemi okutuuka kunkomerero yensioba ekanisa eya bannagwanga.

| | |
|---|---|
| Wiiki 4 | Ebikolwa 1-6 |
| Wiiki 5 | Ebikolwa 7-11 |
| Wiiki 6 | Ebikolwa 12-16 |
| Wiiki 7 | Ebikolwa 17-22 |
| Wiiki 8 | Ebikolwa 23-28 |

**1 Timoseewo** Kinyonyola ekikula ky'ekkanisa eyawansi. Wa amakulu gabuli kigambo mu suula eyokusatu (3). Wetegereze"Kyeetagisa"mu 3:15

| | |
|---|---|
| Wiiki 9 | 1Timoseewo |

**2 Timosewo** Kinyonyola okufuula abayigirizwa mu'kkanisa eyawansi. Ani? Otya?

| | |
|---|---|
| Wiiki 10 | 2Timoseew |

**Tito** Okusiimba ekkanisa eya wansi. Otya?Wiiki 11 Tito

**1, 2 Abakolinso** Okutereeza Ekkanisa ey'awansi emenyese = ENDOWOOZA YA KURISITO!

| | |
|---|---|
| Wiiki 12 | 1 Abakolinso 1-9 |
| Wiiki 13 | 1 Abakolinso 10-16 |
| Wiiki 14 | 2 Abakolinso 1-13 |

**Abagalatiya** Okuzzaawo enjiri m'ukkanisaeyawansi

| | |
|---|---|
| Wiiki 15 | Abaggalatiya |

**Tuyisa tutya abakurisitaayo abapya**

| | |
|---|---|
| Wiiki 16 | 1Abasessaloniika<br>2 Abasessaloniika Firemooni<br>(okwegayirira) |

**Ensengeka y'ekkanisa eyawansi**

| | |
|---|---|
| Wiiki 17 | Yakobo |